LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST

Posted by saava - 2007/08/05 03:26

To all members and those who wish to join us, lets use this opportunity to let our artist know, that we may be far away but we still love them and support them , so all we are asking them is to find time and say some few words to their diehard fans. Ffe bwetuba tusobola okulekawo enyimba zabalala enkube obulungi, oba video zabwe ezikwatibwa obulungi netugulamu ezammwe, mwe abantu baffe, olwo naffe kyetuba tubasaba tekiba kinene okuyitako wano ku connect uganda nemutusuulayo obugambo tubebaze otuweleza, nammwe mutwebaze obbawagila,buli muntu waddembe okuyita ku artist gweyandyagadde okuwuliza, katulabe oba omukwaano gwetulina gyebali nabo gwebalina gyetuli, oba bo bagilaba nga just bussiness. Awo tumanye ani asuulwa naani anasigaza obuwagizi obungi.

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST

Posted by saava - 2007/08/05 03:32

OMWAAMI GEOFREY LUTAAYA OBA MUKYAALA IRYN NAMUBILU TULINZE OKUBAWULIZAKO WANO KU CONNECTUGANDA.

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST

Posted by bojaclair - 2007/08/05 16:27

Saava ekyo kitufu nyo nange nandyagaddenyo singa Ronald Mayinja ayitako ku connect. natufuwayo kubugambo yade bunaba butonotono.:lol:

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/OMUANA

Posted by Meli - 2007/08/07 08:20

Ssebo Omuana, kyewavudde otukongobaza ku sunday n'otu standing-a up ku mpeewo kyabadde kiki? Ate kati ndabika nsala n'eddiiro; simanyi mukwano gwo Chameleon yakusize okwewuliira? Gwe ate twakanze kulinda, nti lwanakuba essimu, nga butereere? Kati oliye otya?

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/OMUANA

Posted by mike - 2007/08/07 11:57

Meli wrote:

Ssebo Omuana, kyewavudde otukongobaza ku sunday n'otu standing-a up ku mpeewo kyabadde kiki? Ate kati ndabika nsala n'eddiiro; simanyi mukwano gwo Chameleon yakusize okwewuliira? Gwe ate twakanze kulinda, nti lwanakuba essimu, nga butereere? Kati oliye otya?

In all fairness, Isaacs tried but the queue was so big. We may have to make a special arrangement with him to host him as we do with other artists.

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/OMUANA

Posted by asha - 2007/08/07 14:29

---

mike webale okuwoleleza omwaana isaacs.naye tubadde tumuli bubi,siffe abamutuma okuba ne ddoboozi eddungi,no kuyimba obulungi

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST

Posted by saava - 2007/08/09 09:51

CHAGGA SIMANYI KUZINO ENYIMBA ZO EBBILI OMUTIMA GWANGE GUSIIMYE GGWE NALUNO OLWA KIBA KIBI OKULEKA MUNNO OBWOOMU KATI NO NAAWE YITILAKO WANO KU CONNECT UGANDA KUBA NNAFFE TULINZE TUKUWULIZE NAFFE TOTUBUNYA EMIWABO NGA TUKUNOONYA.....

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by Meli - 2007/08/10 20:08

Bwebanamuleeta Omuana nga Mike bweyasubizza, nze kati ebibuuzo ebyange ka mbitegekere ddala;

1. Amanya go genyini ggwe ani?

2. Munnaffe bakuzaala wa?

3. Enyimba zo tulaba nnya -ttaano ku youtube, waliyo endala?

4. Oli mufumbo, olina abaana? Abakyaala bangi nadiyagadde okumanya.

5. Enyimba zo oziyiiya otya, ozijja mu bintu ggwe byoyisemu, oba mpozzi newekoppa ne ku bya bagandabo neba kwanobo, oba otebeereza bitebeereze?

6. Muyimbi oba bayimbiki mu bakadde boyinza okugamba nti bakusanyusa, nakuzukuusa nekirowoozo nawe ekigobeerera ekkubo lino?

7. Brenda yasobola okumusanga munne mu love mood? Olwo nekiba kitya?

Kankome awo nabala babuuze!

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by omuana - 2007/08/10 22:03

---

hahahahaha...

neyanzizza nyo Meli....okundaga nti emilimu gyange ojiwadde obudde nogigoberela nsubila si mulimu mwangu.

Okuddamu ebibuuzo.

Amanya amatuufu nze Mugula Isaac

Neddira Mamba

Banzaala Nsangi, Mpigi District

Ndi mufumbo..abaana benina..hahaha.

Enyimba nzeyiyiza nzekka (Sylver Kyagulanyi ayagala 1.2M)

Okuyiya oluyimba kisinziira kubintu bingi, simanyi kukinvunula muluganda....sometimes its inspiration from somethings around us like if you are to sing about your mother. Then there are times we want to impress...like you tell someone to hurry b4 you die. Remember Ssemakula's "First Aid Song" Then sometimes i compose a song as a way of appreciation or recognition of the people around me. There is also pure creativity in song writting where someone picks on a simple subject like "Double bed Mazongoto" and cooks it real good to excite and also entertain. Nolwekyo buli luyimba lwange nduyiyizza nga ndujja mumbeela nze nabantu abaninaanye gyebabelamu.

Mubayimbi ba Uganda Nzisamu buli omu ekitiibwa olwemilimu gyabwe naye okusingila ddala ngoberela nyo amakulu agabeelamunyimba za Maddox, Sammy Kasule, Moses Matovu and Philly Bongoley.

Haaaa....Love Mood. Kali kaali kajanja, love mood ekulesawo byokola nti osange muno nga tannagivaamu???? Bwaba akwagala wootukila wonna afunilawo "filingis" Anyway the song Brenda is acompliment to all Ladies from all men telling them that HURRY HURRY RUN COME SEE US!!!!!!!

Thank U for your time

God Bless you.

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST

Posted by saava - 2007/08/11 03:10

Omuana let me just say WOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOOW be right back.

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by asha - 2007/08/11 03:38

---

omwana ssebo nonyeza oluyimba yo olwa ye gwe ku you tube silulaba

nkole ntya okulufuna ssebo kuba lunkuba nyo

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by omuana - 2007/08/11 09:05

Mukwano Asha...

webale nyo kumpagira ela kimpa amaanyi okwongela okuyiiya obuyimba obulala. Akayimba ka Yeggwe mbadde ssinakafunila Video, nkyanoonya mwana muwala gwennasamu nga asikiliza okutunuulira. Kkwegamba nga alinga Queenie bwomulaba naye ekibi abawala bwebatyo babeela "bbize" nyo.

Please Subscribe to my videos in YOUTUBE and you will be automatically informed when i upload anything new.

Assalam Aleikum.

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by asha - 2007/08/11 14:04

---

hhehehehehe omwana webale nyo kunzilamu.kakati mu video eyo ndowooza

tujja kusamu nze olabye otya?nway katulidde wenever u will b ready

naye tolwayo hurry hurry anti gwe obiyimba

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by Meli - 2007/08/11 14:10

Nze mpagidde Asha ayingire mu video ya Omuana. Ate nno nga bwebiri bwebityo, nange Omuana nkusabye ovire ddala ku Silver, kuba nange kyakola nkikola. Nyinza okukufunirayo enyimba nga bbiri, nolaba oba ozagala. Naye nga omaze okuteeka Asha mu Video. Hahahahahah I like!!!

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by Meli - 2007/08/11 14:12

Kwekugamba nti Connect ebeewo eh, Omuana abeewo eh, ne Asha abeewo, In fact fenna ba member tubeewo eh, nokubaawo kubeewo ehh!!

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by JeenaJulia - 2007/08/11 14:34

Wabula kino kika.Omuana ssebo ekyokusa Aisha mu video yo nange nkiwagidde kubanga bambi alabise nga mwetegeffu ate nga noluyimba alwagalila dala.Ebyokunonya emboko jila obisa kubali kubanga Aisha yeyewadeyo ffe abalabi naffe tunyumilwe wamu namwe.

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by saava - 2007/08/11 19:34

Mw Omuana totuweleze list yendabika yo muwala gwoyagala okubeela mu video yo, kuba nze ndeeta eyange. Okusooka byonna okimanyi nti buli kili ku mu bili kiyinza okukyuusibwa under a knife. naye ogezaako notosaba bitasoboka, bwooba oyagala wamaaso manene ago mangu okkanula nemiopic glasses can do the trick , owakabina akanene booty pads will do, teli kujjeeyo ngooli azze nebbanyi lye bbere nodda mukuyimba nti bwentunula kubututtwa bwobubeele bwo nenfa, kuba type eyo nzibu okweeka mpozzi nga nagakuba kubibebgabega nagawekela emabega, mbamanyi abayimbi mwagala nnyo kuyimba ngomuwala bwaali mu high hills awawenyuka emisinde but please jukila ntiwaliwo obuzibu ngobugere obuli mu open toe shoe butandise okuwalakata snow.Waliwo nekyokuwaana nti omuwala wakazigo ekyo kyangu ,ogenda bugenzi wali elinnyo lyomu maaso nebaliwangulamu notwaala akazigo to the next level naye era mukola bulungi omuwala nakola gwa kuzina nakumweenya kuba awo watya ngakuddamu ngayakusinza eddoboozi obunene, omanyi ekiso bwekyamala okuyingila mu biseera bino osanga abakyaala abalungi bangi, naye abamu olina kusooka batunula ku madokooli. Kkale nayongeleza okwo ngamazze okufuna okuddibwaamu kuba nkyaleeta ebilowoozo byange.

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by omuana - 2007/08/11 20:58

---

hahahahaha.....mwana muwala Saava aahhaaa.

Now i can tell that saava is a lady. Onsonyiwe emabegako okukuyita mister. Okusaba kwo kuyiseemu butelevu nga tekuvuganyiziddwa. Honestly speaking am flirtered by the fact that my sister in Allah (Asha) wants to be in my video...Am new in this music industry and when i started i never knew i would be appreciated, i did music cos i had known many musicians personally like Tony Ssengo,God Mwambala,Menton Summer,Elly Wamala etc somehow nafuna ekyinyegenyege nentandika okuyimba nolwekyo mbela mukyaamu okwewulilira ku bawagizi bange ConnectUganda.com benkunganyilizza.

Njakusaba Dj Mike ankonekitinge ku ASHA kubanga alina emails zaffe, tukole ekifananyi lubalala.

Akuume.

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by mike - 2007/08/11 21:48

---

omuana wrote:

hahahahaha.....mwana muwala Saava aahhaaa.

Now i can tell that saava is a lady. Onsonyiwe emabegako okukuyita mister. Okusaba kwo kuyiseemu butelevu nga tekuvuganyiziddwa. Honestly speaking am flirtered by the fact that my sister in Allah (Asha) wants to be in my video...Am new in this music industry and when i started i never knew i would be appreciated, i did music cos i had known many musicians personally like Tony Ssengo,God Mwambala,Menton Summer,Elly Wamala etc somehow nafuna ekyinyegenyege nentandika okuyimba nolwekyo mbela mukyaamu okwewulilira ku bawagizi bange ConnectUganda.com benkunganyilizza.

Njakusaba Dj Mike ankonekitinge ku ASHA kubanga alina emails zaffe, tukole ekifananyi lubalala.

Akuume.

I will sure do my job B)

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by saava - 2007/08/16 01:54

Kansooke okwebaza munnange okuntumilako ,naye owange kati video bwetandika nze ndi ludda wa? tewambulidde sagala kujja eyo mbeere nga nze mbakwatila ettawulo mwe mwesimuula entuuyo, nga abo ababeela ku tenesi court njagala nange mbeere mu action, kati namaze okulaba Phad bwabonga ekiwato, negezezaamu ngamazina gakunkumuka gokka nolweekyo awo tuli bulungi naye siliimu mubajja okuwewenyuka kunsozi mubukondo, ye owange kulika kibooko za haedmaster zziwa bwooba wasomera Nsangi.

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by asha - 2007/08/16 03:16

---

hahahahahaha saava mwana muwala ebigambo oba obijawa

thx for ur remarks they keep us going,omwana iaaaca

ebale obubaka bwaffe,we love u

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by omuana - 2007/08/16 08:50

Saava..kyikati Dear.....

Munannge ssasomela Nsangi wadde nga jyebanzaala, Nakulira Mengo Mu Town (DJ Mike gyebamutumanga amafuta nga e'Lungujja amasanyalaze gagenze.....L.O.L) Well nasomela Mengo Primary, Namilyango College, Pride Academy ne Rubaga Boys.

Mu Video nkuteka tekela ogufo ogusava kasita onsubiza obuteebbyula nyo nosinga Asha okwaaka.

By the way DJ mike nkusaba onkonekitinge ku Asha bambi...

Nnaasanyuka nyo nga kyikoleddwako.

Akuume.

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by JeenaJulia - 2007/08/16 20:49

Bagamba kyotanalya tokyesunga naye kati nze amaddu gandi bubi okulaba ku video ya Omuana nga elimu Saava ne Asha.Dj Mike yitamubwangu nga Julia alinya ekitanda okenekitinge omuana ne asha,batele bafulumye olutambi lwa video olugenda okutunda nga hot cake manya pan cake.Connect ebeewo kubanga egenda kututusa kubyessava bingi.

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by saava - 2007/08/17 16:58

Munange Omuana awo nno ebintu bilabika bigenda bulungi ate kati mbadde ndiwano nga negezaaamu amazina gange gebayita hot-poppy it-drop it, naye kati tujja gazinanako katono kuba getaaga mucle za kabina nga ngumu bulungi kuba olina okadropinga down like a hot potato so many times, so this part most of it iwill leave it to Asha , nekilala bwenzigya nganzenna mpomedde enviili zange zakutunulwaako butunnuzi teli ebyo bi bambi oliko akaviili akagonda kunsulira wig yange kuba nina okukyuusa emisono mingi silina biseela bya weave, naye kati okusinga nze njakuba wano nga kuluggi wofulumila nze awo wenja okutwabulila amazina gali gebayita eyakwalula esilidde ill be back. Asha ill let you shine.

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by omuana - 2007/08/17 20:38

Mukwano Saava.....

nga olabika okomye kumunaabo...bagamba kyotanalya tokyesunga...ebya Video Mmyyeeeee!!!!!!Asha agamba nti kyaali KIWANI kyeyali atusiba kubanga omulimu gwakola tegumukkiliza kubeela mubifananyi bya video.....mbu akola nga "Shekati" mu muzikiti omukulu ogwe Boston (sheeka omukyala mu diini yabusilaamu)

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST

Posted by saava - 2007/08/18 05:33

Owange Omuana anti kati gwe bussiness zikulemye okkola ,Asha ffe kati tugende bugenzi tumuteege wali kumuzikiti wakola ngatututte ne high heels zaffe gwe owa video ojja naye, gwo olulaba nga Asha afuluma mumuzikiti ngotandika okkolobya oluyimba bino Asha byayagala otuddukako ggwe tebikumalaamu maanyi, linda akuwuulire edooboozi ngomuli

kumpi, ffe tujja omujjukiza nti owange teweyambulila wano mulujjudde kuyiwamu kakondo linda tusembeleko ewala nomuzikiti. Nekilala bwaaba atya kujjamu ngoye ze tafaayo kweekyo kuba ku youtube kuliko abayimbila mungoye zaabwe empanvu naye nga nomuziki basala. Asha weyisizza sibulungi nze mbadde nkwesunga owewenyuke emisinde mukakondo kaffe kati bwogweeri ekikowukowu nze awo wemba ntandikila okubonga ekiwato .

==========

Re:LETS HEAR FROM OUR BELOVED ARTIST/Omuana

Posted by omumbejja - 2007/08/30 02:29

Omuana okuva lwewandeka mumunaabo gwa video kati forum ogyebalama waliwo neyangambye mbu olina enthonyi, naye nze kati ebyo nabiwummula sigenda kuddayo kutinkiza okuva lwewandeka mubbanga nenelindiggula ennume yekigwo. Naye tukusubila okkomawo tuwaye.

==========